Ekipimo Ekyangu Ekyókukozesa ku Bwavu: Uganda

Mark Schreiner

3 January 2020

This document and a data-collection tool are in English at **scorocs.com**
Waraka huu na zana ya kukusanya data ziko kwa lugha ya Kiswahili kwenye **scorocs.com**
Ekiwandiiko kino ekirimu ebikunganyiziddwa aba **scorocs.com** kiri mu Luganda

Ekipimo ekya Scorocs ekyangu okukozesa mu kwekeneenya obwavu kikekkereza (*Scorocs® Simple Poverty Scorecard®-brand poverty-assessment tool*), kyerufu mu nteekateeka yókulwanyisa obwavu mu Uganda okukakasa nókutumbula embeera zaabwe eza bulijjo nga bayita mu kwekeneenya nókutegeera abo bennyini abenyigidde mu nteekateeka eno. Ebiddibwamu ku kipimo kino ebiri mu bibuuzo ekkumi bisobola okukungannyizibwa mu ddakiika nga kkumi era ne bikozesebwa okugerageranya obwavu bwómuntu okusinzira kunsansaanyaye, okulondoola enkyukakyuka mu bwavu, oba okwawulamu abetabyemu okubakolako mu ngeri eyénjawulo.

Enkola eno

Ekipimo kino ekipya ku Uganda kyesigamiziddwa ku bintu ebyakungannyizibwa mu 2016/17. Ekipimo kino kisikira ebipimo ebikadde ebya Schreiner (2011a ne 2015a) ebyesigamizibwa ku byakunganyizibwa mu 2009/10 ne 2012/2013. Olwokubaga obwavu bweyongera mu Uganda mu 2012/13 okutuuka 2016/17, era olwokubanga ebipimo bino tebirondoola bulungi kweyongera kwa bwavu, ababikozesa balabulwa obutagezaako kugerageranya nkyukakyuka mu bwavu oluvanyuma lwékiseera ekigere nga bageragerannya ekipimo ekipya ku kipimo ekikadde.

Okwebaza

Ekiwandiiko kino kyateekebwamu ssente abékitongole kya Private Sector Window of the Global Agriculture and Food-Security Program, era nékitongole kya International Finance Corporation. Obubaka obukunganyiziddwa buvudde mu kitongole ekya Uganda's Bureau of Statistics. Okusiima kugenda eri Yanni Chen, James Muwonge, ne Vincent Fred Ssennono.

Legal: "Scorocs" and "Simple Poverty Scorecard" are Registered Trademarks (and "Prove and improve the good you do" is a Trademark) of Scorocs, L.L.C. for its brand of poverty-assessment tools. Copyright © 2021 Scorocs.

Scorocs® Simple Poverty Scorecard® Tool

			Erinnya	Ennamba eyawula
Obulambe bwébibuuzo:				
Olunaku lwébibuuzo:		Eyetabyemu:		
Ensi:	UGA	Eyatumiddwa:		
Ekipimo:	003	Ekifo awakolerwa:		
Ekibinja kyóbuzito:		Omuwendo gwabomumaka:		

Ekibuuzo	Ekiddibwamu	Obubonero
1. Amaka gali mu kitunduki?	A. Busoga, Bukedi, oba Karamoja	0
	B. Central I, Central II, Elgon, oba West Nile	5
	C. Acholi, Bunyoro, Kampala, Kigezi, oba Teso	9
	D. Tooro	12
	E. Ankole, oba Lango	16
2. Abantu bameka abali mu maka ago?	A. Musanvu oba okusingawo	0
	B. Mukaaga	2
	C. Bataano	4
	D. Bana	8
	E. Basatu	12
	F. Babiri	20
	G. Omu	30
3. Omukyala akulira ewaka (oba muka nnyinimu mu maka) asobola okusoma nókuwandiika nókutegeera mu lulimi lwonna?	A. Tewali muntu akulira waka (tewali mukyala wa nnyinimu)	0
	B. Nedda	3
	C. Yee	5
4. Waliwo owomumaka asomera mu ssomero lyóbwanannyini oba essomero eriddukannyizibwa eddiini, ekitongole ekyóbwannakyewa oba ekitongole kyonna ekirala ekitali kya gavumenti?	A. Nedda	0
	B. Yee	7
5. Mu myezi kkumi n'ebiri egiyise, waliwo owomumaka yenna eyafuna ssente mu bulimi oba mu bulunzi?	A. Okulima ebirime naye nga si bulunzi	0
	B. Si mubulimi wadde mu bulunzi	4
	C. Mu bulunzi ngójjeko okulima ebirime	5
6. Ebizimbisibwa ebyakozesebwa wansi mu nnyumba? (*nga bwe birabika*)	A. Ttaka, okumaalibwa ettaka, mbaawo, oba ebirala	0
	B. Seminti awewera, nkokoto, obujjo (tayilo), bbulooka oba amayinja	9
7. Kabuyonjo kikaki amaka gye gasinga okukozesa?	A. Tewali/ensiko/buveera/obubaketi n'ebirala, kabuyonjo ey'ekinnya (nga tebikiddwako era nga teyiiriddwa nkokoto), oba ebirala	0
	B. Kabuyonjo ey'ekinnya (embikke ngéyiiriddwa nénkokoto), ekika kya kabuyonjo ekipya ekiyitibwa Ecosan, kabuyonjo ey'omulembe/ey'ekikungu oba ekozesa amazzi	4
8. Ssimu mmeka ezikola abomumaka ze balina mu budde buno?	A. Tewali	0
	B. Emu	5
	C. Bbiri oba okusingawo	11
9. Buli muntu mu maka alinayo wakiri omugogo gwéngatto oguli mu mbeera ennungi?	A. Nedda	0
	B. Yee	6
10. Mu nnaku omusanvu eziyise, abomumaka balya emirundi emeka buli lunaku?	A. Ebiri oba obutawera	0
	B. Esatu oba okusingawo	7

Copyright © 2021 Scorocs.
Score:

Olupapula Olusembayo Okuli Ebyokukola: Abomumaka

Sooka ojjuzeemu ekipimo ku lupapula olusooka. Nga kuliko obulambe bwékibuuzo (singa buba bumannyiddwa), olunaku lwébibuuzo, nékibinja ky'oyo abuuzibwa (singa kiba kimannyiddwa). Zaako okuwandiika erinnya mu bujjuvu nénnamba eyénjawulo eyawula eyetabyemu (ayinza okwawukana kwóyo addamu ebibuuzo), ku muntu eyatumiddwa (ayinza okwawukana ku ggwe abuuza), n'ekifo awakolerwa addamu ebibuuzo (singa kibaawo era nga kimanyikiddwa). Saza ku biddibwamu ebyasoose ku kipimo nga wesigama ku kitundu amaka gye gabeera. "Ebiragiro ebiri mu bibuuzo" birambika distulikiti nébitundu mwe ziri.

Awo somera addamu ebibuuzo: *Nsaba ombulire erinnya erisooka (oba epaatiike) eryabomumaka bonna, ngótandiikira ku akulira amaka ago ne mukyalawe oba omwamiwe asooka (singa abeerawo). Amaka gasobola okubeera agomuntu omu oba abangi—nga toyawudde bamusaayi gumu oba abaafumbiriganwa—ababadde babeera bonna wakiri emyezi mukaaga ku kkumi nébiri nga babeera wamu era nga nókulya baliira wamu ngébibuuzo tebinabuuzibwa, nga balina omwami oba omukyala akulira amaka ago era nga gatwalibwa nga agaawamu.*

Wandiika erinnya erisooka oba epaatiike erya buli muntu, ng ótandikira kw'abakulira nómukyala oba omwami wákulira (singa abaawo). Lamba akulira nómukyala oba omwamiwe (singa abaawo). Wandiika amannya gabomumaka ku kipimo ekyasoose okuliraana "Omuwendo gwabomumaka:". Saza ekiddiddwamu ku kipimo kyébibuuzo ekyokubiri ekikwata ku muwendo gwábali mu maka.

Soma ebibuuzo ebisigaddeyo mu ddoboozi eddene (okujjako ekibuuzo eyomukaaga ekikwata kunfaanana yénnyumba wansi), ngójjuza ebiddiddwamu. Bulijjo jjukira okweyambisa "Ebiragiro ebiri mu bibuuzo".

Erinnya erisooka oba epaatiike	**Akulira oba omukyala oba omwami wákulira?**
1.	Akulira (omusajja) Akulira (omukyala)
2.	Omukyala omukulu owómwami akulira Omwami wómukyala akulira Omulala yenna
3.	Omulala yenna
4.	Omulala yenna
5.	Omulala yenna
6.	Omulala yenna
7.	Omulala yenna
8.	Omulala yenna
9.	Omulala yenna
10.	Omulala yenna
11.	Omulala yenna
12.	Omulala yenna
13.	Omulala yenna
Omuwendo gwábantu:	—

Ebiragiro ebiri mu bibuuzo

Ebiwandiikiddwa wano bikopoloddwa mu:

Uganda Bureau of Statistics. (2016) "Interviewers Manual of Instructions for the UNHS 2016/17" [Ekiwandiiko].

Ebiragiro ebyangu mu kubuuza ebibuuzo

Ekipimo kisobola okujjuzibwa ku lupapula nga toli mu ofiisi, ng'ebiddibwamu biyingizibwa oluvanyuma ku lupapula oba wotereka ebiwandiikobyo. Mu ngeri endala, Scorocs erina enkola ku mutimbagano ne ku ssimu ezómulembe zi *smart phones* eziggwa mu kika kya Android esobola okukunganya ebiwandiiko ngóli mu ofiisi oba nga toli mu wofiisi. Singa oba tolina yintanenti, obubaka bukuumibwa okutuusa lwofuna yintanenti. Funa enkola eno eyókutereka obubaka oba buuza ku kyókufuna etterekero ery'obwannannyini.

Ekipimo kirina kukozesebwa abuuza ebibuuzo atendekeddwa mu kugoberera ebiragiro ebiri mu bibuuzo bino.

Sooka ojjuze ekipimo ekisooka "Nólupapula Olusembayo Okuli Ebyókukola", ngóberera ebiragiro ebiri ku "Lupapula Olusembayo Okuli Ebyókukola".

Mu kipimo ekisooka, jjuzaamu omuwendo gwabomumaka nga weesigama ku lukalala gwe abuuza ebibuuzo lwe wakoze ngékimu ku bitundu ku "Lupapula Olusembayo Okuli Ebyokukola".

Ekibuuzo ekisooka ku kipimo tokibuuza butereevu ("Amaka gali mu kitunduki?"). Wabula, jjuzaamu nga weesigama ku kumanyakwo ku kitundu ekyo abomumaka gye babeera. Wansi wébiragiro bino waliyo Olukalala lwa distilikuti 112 nga bwe zaali mu 2016/17 nébitundu mwe ziva.

Mu ngeri yému, ekibuuzo ekyokubiri ku kipimo tokibuuza butereevu ("Abantu bameka abali mu maka ago?"). Wabula lamba okuddamu nga weesigama ku muwendo gwábali mu maka be walaze ku lukalala ku "Lupapula Olusembayo Okuli Ebyokukola".

Ebibuuzo byonna ebiddako bibuuze butereevu eri oyo addamu okujjako ekibuuzo eyomukaaga ("Ebizimbisibwa ebyakozesebwa wansi mu nnyumba?"). Ku kibuuzo kino, gwe abuuza ebibuuzo olina okwekkaanya nólaba ebyakozesebwa mu kuzimba wansi mu nju nóbiwandiika nga tobuuziza butereevu addamu. Bwóba tewekakasa kya kuddamu kituufu, awo osobola okubuuza addamu ebibuuzo.

Okulambika ku kubuuza okwawamu

Wetegereze bulungi ebiragiro bino ebiri mu bibuuzo, era otambule nabyo ngógenda okukola. Goberera ebiragiro mu biragiro ebiri mu bibuuzo (nga ne kino kwe kiri).

Jjukira nti addamu ebibuuzo asobola obutabeera wa mumaka eyetabye mu nteekateeka eno.

Mu ngeri y'emu, eyatumiddwa agenda kujjuzibwa ku lupapula olusooka kukipimo si y'omu naawe abuuza ebibuuzo. Wabula, ono mukozi bukozi mu eyatumiddwa erwanyisa obwavu era nga alina enkolagana néyetabyemu. Bwe watabaawo yatumiddwa, awo lekawo ebbanga ku kipimo.

Soma buli kibuuzo kigambo ku kigambo, mu nsengeka eragiddwa ku kipimo (okujjako ekibuuzo ekyomukaaga, "Ebizimbisibwa ebyakozesebwa wansi mu nnyumba?").

Bw'olamba ekiddibwamu ku kibuuzo ekiri ku kipimo, wandiika obuzito bwékiddibwamu ewajjuzibwa ebiddiddwamu era osaze kwékyo ekididdwamu, obuzito bwénsonga ezisangiddwa, ku lupapula nénsonga eziwandiikiddwa, bweziti:

3. Omukyala akulira ewaka (oba muka nnyinimu mu maka) asobola okusoma nókuwandiika nókutegeera mu lulimi lwonna?	A. Tewali muntu akulira waka (tewali mukyala wa nnyinimu)	0	
	B. Nedda	3	3
	C. Yee	5	

Okwewala okukola ensobi, olina oku:

- Wandiika ensonga ezituukira ku kiddiddwamu ku nkomerero yómukonogwo ogwa dyo
- Saza ku biddibwamu ebiwandiike, obuzito bwénsonga, wamu nénsonga eziwandiikiddwa

Bwe wabaawo ensonga ezze nga teri mu biragiro ebiri mu bibuuzo, okusalawo ku yo kubeere kwóyo abuuza ebibuuzo náddamu ebibuuzo, kubanga eyo eyinza okuba nga y'ebadde enkola yékitongole ekikola ku byémbalirira mu Uganda ekya UBOS mu mwaka gwa 2016/17 nékya UNHS. Kwe kugamba enteekateeka yonna ekozesa ekipimo terina kuteekawo kunnyonnyola oba mateeka (agasukka kwágo agali mu biragiro ebiri mu bibuuzo) gasobole okukozesebwa abo ababuuza ebibuuzo. Ekintu kyonna ekitayogeddwako mu bujjuvu mu biragiro ebiri mu bibuuzo, kirina kulekebwa kusalawo kwábuuza ebibuuzo náddamu ebibuuzo.

Tosoma biddibwamu eri addamu ebibuuzo. Wabula, soma ekibuuzo ate okome awo, linda ekiddibwamu. Singa addamu ebibuuzo asaba okumunyonnyola oba singa yeesika mu kuddamu ekibuuzo oba nga alabika nti asobeddwa, awo ddamu osome ekibuuzo oba obuyambi obulala nga bwe bulagiddwa mu biragiro ebiri mu bibuuzo oba salawo nga gwe abuuza bwoba olabye.

Okutwalira awamu, olina okukkiriza byonna addamu ebibuuzo byakuddamu. Naye, singa addamu ebibuuzo ayogera ekintu oba singa olaba oba oteebereza nti ekiddiddwamu kibadde kya kuteebereza, nti addamu ebibuuzo takyekakasa, oba nti addamu ebibuuzo yetaaga okuyambibwako mu kuddamu ekibuuzo, awo ddamu osome ekibuuzo era omuyambeko nga bwekiragiddwa mubiragiro ebiri mu bibuuzo.

Wadde nga ebiddibwamu ebisinga ku bibuuzo bisobola okukakasibwa obutuufu bwabyo, mu mbeera ezisinga tewetaaga kukakasa butuufu bwa biddibwamu. Olina okukakasa obutuufu bwékididdwamu singa wabaawo ekikulaga nti ekididdwamu sikituufu era ngókukakasa ekididdwamu kyongera ku mutindo gw'obubaka obukunganyizibwa. Okugeza, osobola okusalawo okukakasa obutuufu bw'ekiddibwamu singa addamu ebibuuzo yesika mu kuddamu ebibuuzo, alabika okubeera nga atidde, oba nga alaga obubonero nti alabika okuba nga akulimba, asobeddwa, oba teyekakasa. Mu ngeri yemu, okukakasa ekiddibwamu kiyinza okwetaagisa singa omwana ava mu maka góyo addamu abibuuzo oba singa mulirwana ayogera ekintu ekyawukana kwékyo addamu ebibuuzo ky'azeemu. Okukakasa obutuufu bwébiddibwamu era kirungi singa ggwe abuuza obaako kyólaba ekikulaga nti addamu ebibuuzo alimba okugeza okulaba ekintu kyáwaka ngáte addamu ebibuuzo yewakanye obutabeera nakyo oba okulaba nga waliwo omwana aliira mu kisenge naye nga teyabaliddwa ku bantu ba waka.

Okutwalira awamu, enkozesa yékipimo kino erina okufaanaganira ddala enkozesa yékibalo kya UNHS ekyómwaka 2016/17 ekyakolebwa ekitongole kya Uganda ekya UBOS. Okugeza, ebibuuzo birina okubuuzibwa omuntu atendekeddwa mu kubibuuza era nga abibuuliza waka wóyo addamu ebibuuzo kubanga ekyo UBOS kye yakola mu kibalo kya UNHS ekyómwaka 2016/17.

Okukyusa olulimi lwékiwandiiko

Ekipimo kino, "Olupapula Olusembayo Okuli Ebyokukola" wamu n'ebiragiro ebiri mu bibuuzo biri mu lulimi oluzungu, oluganda nóluswayiri zokka. Tewanabeerawo kukyusibwa mu nnimi ndala ezisinga okwogerebwa mu Uganda. Abakozesa ekipimo basobola okukebera ku mukutu gwa yintaneti ogwa **scorocs.com** okulaba nnimiki endala ekiwandiiko kino mwe kiri.

Singa tewasangibwayo kiwandiiko kino nga kikyusiddwa mu lulimi lwóyagala, awo osobola okutuukirira aba Scorocs okufuna_okuyambibwa mu ngeri yókukikyusaamu.

Ani alina okuddamu ebibuuzo?

Jjukira nti addamu ebibuuzo tateekeddwa kubeera wamumaka góyo ali mu eyetabyemu (wadde nga addamu ebibuuzo asobola okubeera omuntu oyo).

Okusinziira ku lupapula namba 4 olwékiwandiiko, "Omuntu omukulu yenna ategeera asobola okuddamu ebibuuzo ku lwámaka."

Okusinziira ku lupapula namba 11 olwékiwandiiko, "Addamu ebibuuzo alina kubeera akulira amaka. Olina okubuuzaayo ebibuuzo ebitonotono okusobola okumanya akulira amaka. Singa akulira amaka tabeerawo, awo omuntu asigaddewo nga akulira amaka y'alina okubuuzibwa ebibuuzo. Omuntu ono alina kubeera mukulu era nga asobola okukuwa obubaka ku bantu bomumaka abalala. Wekanye nti abantu abalala basobola okuyambako nga bongereza oba nga banyonnyola ku biddibwamu ku bibuuzo ebibakwatako."

Ani akulira amaka?

Kimanye nti akulira amaka ayinza okubeera oba obutabeera wa mu maka eyetabye mu nteekateekayo (wadde ng'era asobola okubeera ye).

Okusinziira ku lupapula namba 12 olwékiwandiiko, "*Akulira amaka* yóyo abomumaka gwe bakiririzaamu ngómukulu waabwe. Ebiseera ebisinga, akulira amaka y'afuga enyingiza wamu nénsaasaanya yénsimbi mu maka era nga y'asinga okumanya obulungi ebikwata ku bomumaka abalala. Oyo ye muntu ajja okukuweebwa erinnya singa obuuza nti 'Ani akulira amaka?' Oteekwa okukiriza okusalawo kwabomumaka ku ani abakulira.

"Wateekwa kubaawo muntu omu yekka akulira amaka. Singa wabaawo abantu abasukka m'omu nga buli omu alaga nti ye mukulu, oba singa omuntu yenna mu maka awa ensonga ezitakwatagana kwáni akulira awaka, awo oyinza okuba nga okolagana námaka agasukka mu gamu era agénjawulo. Mu mbeera bwe ziti, weyambise emitendera egiragiddwa okuzuula abo abali mu maka agabuuzibwa ebibuuzo."

Ebigobererwa ku buli kibuuzo mu kipimo

1. Amaka gali mu kitunduki?
    A. Busoga, Bukedi, oba Karamoja
    B. Central I, Central II, Elgon, oba West Nile
    C. Acholi, Bunyoro, Kampala, Kigezi, oba Teso
    D. Tooro
    E. Ankole, oba Lango

Ekibuuzo kino tokibuuza butereevu eri oyo addamu ebibuuzo okujjako ngóteekeddwa. Wabula, jjuzaamu ebiddibwamu nga wesigama ku kumanya kw'olina ku distulikiti (era nékitundu) amaka mwe gali.

Distulikiti zonna 112 Uganda zeyalina mu 2016/17 zirina ebitundu mwe ziggwa (ku lupapula namba 90, UBOS, 2018). Wammanga lwe lukalala lwa distulikiti nébitundu mwe ziggwa."

Distulikiti	**Ekitundu mwéggwa**
Abim	Karamoja
Adjumani	West Nile
Agago	Acholi
Alebtong	Lango
Amolatar	Lango
Amudat	Karamoja
Amuria	Teso
Amuru	Acholi
Apac	Lango
Arua	West Nile
Budaka	Bukedi
Bududa	Elgon
Bugiri	Busoga
Buhweju	Ankole
Buikwe	Central II
Bukedea	Teso
Bukomansimbi	Central I
Bukwo	Elgon
Bulambuli	Elgon
Buliisa	Bunyoro

Distulikiti	**Ekitundu mwéggwa**
Bundibugyo	Tooro
Bushenyi	Ankole
Busia	Bukedi
Butaleja	Bukedi
Butambala	Central I
Buvuma	Central II
Buyende	Busoga
Dokolo	Lango
Gomba	Central I
Gulu	Acholi
Hoima	Bunyoro
Ibanda	Ankole
Iganga	Busoga
Isingiro	Ankole
Jinja	Busoga
Kaabong	Karamoja
Kabale	Kigezi
Kabarole	Tooro
Kaberamaido	Teso
Kalangala	Central I
Kaliro	Busoga
Kalungu	Central I
Kampala	Kampala
Kamuli	Busoga
Kamwenge	Tooro
Kanungu	Kigezi
Kapchorwa	Elgon
Kasese	Tooro
Katakwi	Teso
Kayunga	Central II
Kibaale	Bunyoro
Kiboga	Central II
Kibuku	Bukedi
Kiruhura	Ankole
Kiryandongo	Bunyoro
Kisoro	Kigezi
Kitgum	Acholi
Koboko	West Nile
Kole	Lango

Distulikiti	**Ekitundu mwéggwa**
Kotido	Karamoja
Kumi	Teso
Kween	Elgon
Kyankwanzi	Central II
Kyegegwa	Tooro
Kyenjojo	Tooro
Lamwo	Acholi
Lira	Lango
Luuka	Busoga
Luwero	Central II
Lwengo	Central I
Lyantonde	Central I
Manafwa	Elgon
Maracha	West Nile
Masaka	Central I
Masindi	Bunyoro
Mayuge	Busoga
Mbale	Elgon
Mbarara	Ankole
Mitooma	Ankole
Mityana	Central II
Moroto	Karamoja
Moyo	West Nile
Mpigi	Central I
Mubende	Central II
Mukono	Central II
Nakapiripirit	Karamoja
Nakaseke	Central II
Nakasongola	Central II
Namayingo	Busoga
Namutumba	Busoga
Napak	Karamoja
Nebbi	West Nile
Ngora	Teso
Ntoroko	Tooro
Ntungamo	Ankole
Nwoya	Acholi
Otuke	Lango

Distulikiti	**Ekitundu mwéggwa**
Oyam	Lango
Pader	Acholi
Pallisa	Bukedi
Rakai	Central I
Rubirizi	Ankole
Rukungiri	Kigezi
Sembabule	Central I
Serere	Teso
Sheema	Ankole
Sironko	Elgon
Soroti	Teso
Tororo	Bukedi
Wakiso	Central I
Yumbe	West Nile
Zombo	West Nile

2. Abantu bameka abali mu maka ago?
    A. Musanvu oba okusingawo
    B. Mukaaga
    C. Bataano
    D. Bana
    E. Basatu
    F. Babiri
    G. Omu

Ekibuuzo kino tokibuuza butereevu eri addamu ebibuuzo. Wabula, weyambise olukalala lwe wakoze ku "Lupapula Olusembayo Okuli Ebyokukola" kwe wawandiise omuwendo gwabali mu maka ago.

Okusinziira ku lupapula namba 11–14 mu *kiwandiiko*, "*Amaka* ganyonnyolwa ngómuntu oba ekibinja kyábantu ababadde babeera bonna era nga balya bonna okumala wakiri emyezi mukaaga kw'egyo ekkumi nébiri egiyise ngébibuuzo bino tebinabaawo.

"Nólwékyo, omuntu womumaka anyonnyolwa nga yesigamizibwa ku kifo mw'abeera. Waliwo ekikyukamu ku tteeka eryo nga bwe kiragiddwa wammanga:

- Ebika byábantu bino wammanga bitwalibwa okubeera mu maka wadde nga basuze [era nga balidde bonna] mu maka omubuuzibwa ebibuuzo mu bbanga eritawera myezi mukaaga kwégyo ekkumi nébiri egiyise:
    - — Abaana abato abatanaweza myezi mukaaga egyóbukulu
    - — Abantu abakafumbiriganwa nga babadde babeera bonna mu bbanga eritawezza myezi mukaaga
    - — Abaana abasoma nábakozi abékiseera ababadde batabeerawo, oba abaggwa mu maka amalala
    - — Abantu abalala nga babeera [era nga balya] bonna obutawezza myezi mukaaga naye nga basuubirwa okubeera mu maka ago [okumala wakiri emyezi mukaaga]
- Abawereza, abakozi, ku faamu nábantu abalala bonna ababeera era nga baliira wamu nábantu bomumaka agabuuzibwamu ebibuuzo balina okutwalibwa nga abomumaka wadde nga si bamusaayi gumu [oba abafumbo] nákulira awaka

"Abantu ababadde babeera mu maka agabuuzibwamu ebibuuzo okumala ebbanga erisukka mu myezi mukaaga kwégyo ekumi n'ebiri egiyise naye nga kati balekedde ddala okubeera mu maka ago (okugeza, abo abanobye mu bufumbo oba abafudde) tebabalibwa kubeera bamumaka ago.

"Abantu ababeera mu maka ge gamu naye nga tebagabana nsaasaanya ku mmere oba nga tebaliira mmere wamu tebabalibwa kubeera bamumaka agabuuzibwamu ebibuuzo. Okugeza, singa omusajja abeera nábakazi babiri oba okusukkamu (nábaana baabwe) nga babeera nga nga baliira wamu, awo bonna babeera amaka gamu. Mu mbeera endala, singa bakazi bomusajja nábaana baabwe babeera era nga baliira mu bwawufu, awo [bonna abalya nga beyawuddemu ku balala babeera amaka agentongodde ku balala]. Mu ngeri yemu, singa wabeerawo aboluganda abalenzi babiri nga buli omu alina abomumaka ababe nga babeera bonna mu nyumba yemu naye nga tebagatta nsaansaanya ku mmere ewaka, awo babeera amaka ga mirundi ebiri agénjawulo.

"*Abantu bomumaka* banyonnyolwa ng'abantu ababadde babeera bonna mu maka agabuuzibwamu ebibuuzo okumala ebbanga lya myezi mukaaga oba okusukkawo kweggyo ekkumi nébiri egiyise. Kyokka ate, abantu abazze okubeerera ddala mu maka omubuuzibwa ebibuuzo babalibwa nga abomumaka, ne bwe babeera nga tebawezezza bbanga lya myezi mukaaga nga babeera mu maka ago. Mu ngeri endala, abaana abazaliddwa mu maka mu bbanga lya myezi mukaaga egiyise balina okubalibwa nga abomumaka.

"Bano nabo balina okubalibwa nga abomumaka omuli abo bonna abatabadde mu maka ago okumala emyezi mukaaga kwégyo ekkumi nébiri egiyise naddala nga babadde ku misomo, ababadde banoonya emirimu, abali mu kutambuza businensi, era nábo ababeera mu masomero agébisulo, ababeera mu nju zábagenyi, hositelo néwalala wonna mu Uganda. Abantu abalinga bano abalagiddwa nga babeera bweru wéggwanga tebabalibwa ku bantu ba mumaka agabuuzibwamu ebibuuzo.

"Wandiika abomumaka mu ngeri bweti:

1. Abantu abali ku mwanjo ennyo eri akulira awaka (abakazi/omwami nábaana) abasula era abaliira awamu. Singa wabeerawo abakyala abasukka mw'omu, awo tandikira ku mukyala asooka, zaako abaana abaanabe ngobaddiringanya mu myaka, zaako omukyala owokubiri nábaanabe ngobaddiringanya mu myaka era weyongerayo
2. Omuntu alina okusookera ddala yóyo akulira awaka ne bwabeera nga siyaddamu ebibuuzo oba nga mu kiseera ekyo taliiwo
3. Abantu bonna abalina akakwate ku akulira awaka ne ku mukyala oba omwamiwe nga basula era nga baliira wamu
4. Abantu abataliiwo naye nga babeera era nga baliira wamu nabomumaka, kwegamba abatabaddewo okumala ebbanga erisukka mu myezi omukaaga kwégyo ekkumi nébiri egiyise ku lwénsonga yókusoma, okunoonya emirimu, abali mu kutambuza businensi, era nábo ababeera mu masomero agébisulo, ababeera mu nju zábagenyi, hositelo néwalala wonna mu Uganda
5. Abantu abatalina kakwate konna ku bamumaka naye nga basula era nga baliira wamu nabomumaka"

Okusinziira ku lupapula namba 8 olwékiwandiiko, *"Amaka gasobola okubeera agomuntu omu oba abangi—nga toyawudde bamusaayi gumu oba abaafumbiriganwa ababadde—babeera bonna wakiri emyezi mukaaga ku kkumi nébiri nga babeera wamu era nga nókulya baliira wamu, nga balina omwami oba omukyala akulira amaka ago era nga gatwalibwa nga agaawamu.*

"Mu mbeera ezimu, osobola okusanga akibinja kyábantu nga babeera mu nyumba yému, naye nga buli omu yekolako yekka mu nteekateeka zókulya emmere. Mu mbeera bwe ziti, buli muntu alina kubalibwa ngámaka ku lulwe."

Okusinziira ku lupapula namba 211 olwa UBOS (2018), ggwe akuliddemu okubuuza ebibuuzo "olina okusaba olukalala oluwandiikiddwa oluliko abomumaka." Bwolukola, gamba addamu ebibuuzo nti, "Olwokubanga njagala okukakasa nti buli muntu mu maka kwali ku lukalala luno:

- Waliwo abantu abalala bonna betutayogeddeko okugeza abaana abato?
- Waliwo abantu abalala abatali bawaka mu maka ago (okugeza ngábakozi bawaka, abakola ku nju zábagenyi, oba abémikwano) abatera okubeera [n'okulya] wano?"

3. Omukyala akulira ewaka (oba muka nnyinimu mu maka) asobola okusoma nókuwandiika nókutegeera mu lulimi lwonna?
    A. Tewali muntu akulira waka (tewali mukyala wa nnyinimu)
    B. Nedda
    C. Yee

Ekibuuzo kino kibuuza oba omukyala akulira awaka (oba muka nnyinimu mu maka) basobola okusoma nókuwandiika mu lulimi lwonna (okugeza oluzungu, oluganda, oluswayiri, olunyoro, olunyankole, olukiga, oluluwo, olusoga néndala).

Jjukira nti kati omanyi erinnya lyómukyala akulira awaka (oba muka nnyinimu mu maka) nga bwe wawandiise ku "Lupapula Olusembayo Okuli Ebyokukola". Kale tomala gabuuza kibuuzo, "Omukyala akulira ewaka oba muka nnyinimu mu maka) asobola okusoma nókuwandiika nókutegeera mu lulimi lwonna?". Wabula, weyambise erinnya erisooka oba erinnya epaatiike eryómukyala akulira ewaka (obamuka nnyinimu mu maka), okugeza: "Harriet asobola okusoma nókuwandiika nókutegeera mu lulimi lwonna?"

Singa tewabeerawo mukyala akulira waka (oba muka nnyinimu) mu maka omubuuzibwa ebibuuzo, awo tosomera ddala kibuuzo. Wabula lamba "A. Tewali muntu akulira waka (tewali mukyala wa nnyinimu)" era weyongereyo nékibuuzo ekiddako.

Ku lwómugaso gwékipimo, *omukyala akulira ewaka (oba muka nnyinimu mu maka*) anyonnyolwa bwati:

- Akulira awaka, singa abeera nga mukazi
- Okukyala omukulu owómusajja akulira awaka, singa akulira awaka abeera musajja
- Nga tewali, singa akulira abeera musajja kyokka nga talina mukyala mu maka

Okusinziira ku lupapula namba 12 olwékiwandiiko, "*Akulira amaka* yóyo abomumaka gwe bakiririzaamu ngómukulu waabwe. Ebiseera ebisinga, akulira amaka y'afuga enyingiza wamu nénsaasaanya yénsimbi mu maka era nga y'asinga okumanya obulungi ebikwata ku bomumaka abalala. Oyo ye muntu ajja okukuweebwa erinnya singa obuuza nti 'Ani akulira amaka?' Oteekwa okukiriza okusalawo kwabomumaka ku ani abakulira.

"Wateekwa kubaawo muntu omu yekka akulira amaka. Singa wabaawo abantu abasukka m'omu nga buli omu alaga nti ye mukulu, oba singa omuntu yenna mu maka awa ensonga ezitakwatagana kwáni akulira awaka, awo oyinza okuba nga okolagana námaka agasukka mu gamu era agénjawulo. Mu mbeera bwe ziti, weyambise emitendera egiragiddwa okuzuula abo abali mu maka agabuuzibwa ebibuuzo."

Kimanye nti akulira amaka ayinza okubeera oba obutabeera wa mumaka eyetabye mu nteekateekayo (wadde ng'era asobola okubeera ye).

4. Waliwo owomumaka asomera mu ssomero lyóbwanannyini oba essomero eriddukannyizibwa eddiini, ekitongole ekyóbwannakyewa oba ekitongole kyonna ekirala ekitali kya gavumenti?
    A. Nedda
    B. Yee

Ekiwandiiko tekiwa bubaka busingawo ku kibuuzo kino.

5. Mu myezi kkumi n'ebiri egiyise, waliwo owomumaka yenna eyafuna ssente mu bulimi oba mu bulunzi?
    A. Okulima ebirime naye nga si bulunzi
    B. Si mubulimi wadde mu bulunzi
    C. Mu bulunzi ngójjeko okulima ebirime

Ekiwandiiko tekiwa bubaka busingawo ku kibuuzo kino.

6. Ebizimbisibwa ebyakozesebwa wansi mu nnyumba? (nga bwe birabika)
    A. Ttaka, okumaalibwa ettaka, mbaawo, oba ebirala
    B. Seminti awewera, nkokoto, obujjo (tayilo), bbulooka oba amayinja

Okusinziira ku lupapula namba 36 *olw'ekiwandiiko*, ggwe abuuza ebibuuzo gezaako okwekaanya era owandiike ebizimbisibwa ebikulu ebyakozesebwa mu kuzimba wansi wényumba awatali kubuuza kibuuzo kino butereevu eri oyo addamu ebibuuzo. Singa oba tewekakasa bulungi kyakuddamu, awo buuza ekibuuzo eri oyo addamu ebibuuzo.

Okusinziira ku lupapula namba 37 olw'ekiwandiiko, ekibuuzo kino kikwata ku bizimbisibwa ebyakozesebwa okuzimba wansi wényumba abomumaka mwe basula. "Singa wabaawo ebyakozesebwa ebiwera, awo wandiika ekyo ekyasinga okukozesebwa (kwegamba, ekizimbisibwa ekyasinga okubikka wansi wényumba). Omutindo gwébyakozesebwa mu kuzimba si mukulu ku kibuuzo kino. . . . [Wekaanye okunyonnyolwa kuno]:

- *Seminti awewera*: Guno mwaliiriro omuwewevu wansi wényumba ogukoleddwa omusenyu ne seminti
- *Enkokoto*: Guno mwaliriro ogutali muwewevu ogukoleddwa mu mayinja amanene wamu námatono omugatiddwa ne seminti
- *Okumaalibwa ettaka*: Lino ttaka omutabuliddwa amazzi ne lisiigibwa wansi wényumba era nerikalira awo"

Okusinziira ku lupapula namba 36 olw'ekiwandiiko, "*Enyumba yámaka* yéyo amaka mwe gabeera."

7. Kabuyonjo kikaki amaka gye gasinga okukozesa?
    A. Tewali/ensiko/buveera/obubaketi n'ebirala, kabuyonjo ey'ekinnya (nga tebikiddwako era nga teyiiriddwa nkokoto), oba ebirala
    B. Kabuyonjo ey'ekinnya (ngéyiiriddwa nénkokoto), ekika kya kabuyonjo ekipya ekiyitibwa Ecosan, kabuyonjo ey'omulembe/ey'ekikungu oba ekozesa amazzi

Okusinziira ku lupapaula namba 39–40 *olw'ekiwandiiko,* "Ekibuuzo kino kibuuza ku kika kya kabuyonjo ekikozesebwa amaka. Kikwata ku *kabuyonjo kikaaki ekozesebwa* wabula si *bwannannyini bwayo*. . . . Singa amaka gakozesa kabuyonjo ekiro ngéyawukana kwéyo ekozesebwa emisana, awo wandiika ekika kya kabuyonjo ekikozesebwa emisana.

"Okunnyonyolwa kwébika bya kabuyonjo:

- *Tewali kabuyonjo*: Bagenda mu nsiko, beyambisa buveera oba obulobo
- *Kabuyonjo eyékinnya*: Eno esimibwa busimibwa era tebeera ya mazzi, obubi bugenda butereevu mu kinya
- *Kabuyonjo eyékinya nga ngiwe enkokoto*: Eno ye kabuyonjo erina ewatulwa oba ewasitamwa. Kabuyonjo erina enkokoto singa wansi waayo waba wagumu era ngésobola nókuyonjeka amangu. Ebyokulabirako byébintu ebikola enkokoto mulimu seminti, embaawo ezitakalabula era nga temuli mabanga galekeddwa, oba amayinja agatakalabula. Kabuyonjo ezirina wansi nga wasiigiddwa ttaka, ettosi nébiti tezibalibwa ngézénkokoto. Enkokoto terina kugulumira kusukka ttaka eritandikirwako. Ekitulwako kyonna kirina okubeera ekigumu era nga kiwaniriddwa ku njuyi zombi okwewala ettaka námazzi okuyingira mu kinnya era ne kibanga esobola okulongoosebwa obulungi
- *Kabuyonjo ey'ekinnya etali ya nkokoto/ekinnya ekyasamye*: Eno tebaako kintu watulwa, kibeera kinnya kisime nankumbi oba ebyuma ebirala era nga bakunganyizaamu bukunganyiza bubi
- *Kabuyonjo embikke*: Eno ye kabuyonjo ebeera enzimbe obulungi era ngérina nébisenge era nga eserekeddwa bulungi waggulu ga ne wansi wabikiddwa okwewala enkuba okuyingira mu kabuyonjo
- *Kabuyonjo etali nsereke*: Eno ye kabuyonjo etali nzimbeko nga sinsereke era terina nabisenge era etwalibwa ngétali nsereke.
- *Kabuyonjo ya Ecosan*: Eno ye kabuyonjo nga obubi wamu nómusulo bikyusibwa oba okukazibwa nga beyambisa evvu oba ebintu ebirala nga tebanajja bubi obwo kubutwala mu nnimiro oba awantu awalala wonna

- *Kabuyonjo eyómulembe/eyékingu*: Eno ye kabuyonjo erina obumooli era ngérina nómuddumu ogufulumira waggulu. Waggulu watereddwayo akatimba oba ebintu ebiswera era munda mu muddumu mubeeramu enzikiza
- *Kabuyonjo yámazzi*: Kabuyonjo eno yeyambisa ttanka eziteréka amazzi ageyambisibwa okwoza munda (omuddumu ogwakula ngénnukuta U) wansi wabeerawo ewatulwako okwewala enswera munda. Kabuyonjo yamazzi yeyambisa agatambula gokka obutafaananako kabuyonjo yámazzi gye bayiwamu obuyiyi nga beyambisa emikono"

8. Ssimu mmeka ezikola abomumaka ze balina mu budde buno?
    A. Tewali
    B. Emu
    C. Bbiri oba okusingawo

Okusinziira ku lupapula namba 42 *olwékiwandiiko, "Obwannanyini* mu mbeera eno kitegeeza ekintu ekyóbwannanyini, nga tofuddeyo ku kiki essimu kyekozesebwa. Essimu yonna eyagulibwa ku bbanja etwalibwa nga ya bwannanyini."

Okusinziira ku bibuuzo bya UNHS ebya 2016/17, essimu zokka ennamu nga zikola bulungi zezirina okubalibwa ku kibuuzo kino.

9. Buli muntu mu maka alinayo wakiri omugogo gwéngatto oguli mu mbeera ennungi?
    A. Nedda
    B. Yee

Okusinziira ku lupapula namba 45 olwékiwandiiko, ekibuuzo kino “kyetaaga okumanya oba buli muntu mu maka alina omugogo gw’engatto oguli mu mbeera ennungi. Ssapatu, lugabire, ne gambutusi tezibalibwa nga ngatto ku kibuuzo kino.”

10. Mu nnaku omusanvu eziyise, abomumaka balya emirundi emeka buli lunaku?
    A. Ebiri oba obutawera
    B. Esatu oba okusingawo

Okusinziira ku lupapula namba 45 *olwékiwandiiko*, "*Emmere* yémmere ensaamusaamu eriibwa mu budde obugere. Eyinza okuba nga ya kiseera kipime okugeza ekyénkya, ekyémisana, oba ekyéggulo."